# Tubaagaza kukomawo na midaali - NCS

BAMUSAAYIMUTO 10 ab'omuzannyo gwa gymnastics abali wakati w'emyaka 5 ne 12 basiibuddwa okugenda e Kenya okwetaba mu mpaka za Junior Women's artistic gymnastics eziri ku mutendera gwa Africa. Basiibuddwa amyuka ssaabawandiisi wa National Council of Sports (NCS), Milton Chebet ku mukolo ogwabadde e Lugogo. Yasabye abaana bano okukiikirira obulungi eggwanga kuba bangi babatunuulidde.

Bagenda kwetaba mu mitendera okuva ku gusooka okutuuka ku gwokuna. Pulezidenti w'ekibiina ekitwala omuzannyo guno mu ggwanga, Harriet Ayaa yakubirizza bamusaayimuto bano okwekkiririzaamu basobole okufuna mu kitone kyabwe kuba obuwanguzi bwetaaga mpisa na kukola nnyo.



Bamusaayimuto nga basiibulwa e Lugogo.